Essomo 5

Lwaki Katonda Yatonda Omuntu

Olubereberye 1,2

Emirembe gibeere nammwe ab'emikwano abampuliriza.Tubalamusa mu linnya lya Katonda, Mukama ow'emirembe, ayagala buli omu okutegeera era n'okwewaayo eri ekkubo ery'obutuukirivu lye yatuteerawo, ggwe nange tufune emirembe na Ye emirembe n'emirembe. Tulina essanyu nti atusoboseza okukomawo olwaleero okubatuusaako pulogulamu yammwe *Ekkubo Ery'obutuukirivu*. Lino ly'Essomo lyaffe ery'okutaano lye tuwadde omutwe ogwebuuza nti: "Lwaki Katonda Yatonda Omuntu?"

Mu pulogulamu yaffe eyayita, twasoma engeri Katonda gye yatondamu eggulu, ensi, ennyanja n'ebyonna ebirimu. Katonda Mukama yatonda buli kimu mu nnaku mukaaga nga talina kyakozesa okujjako Ekigambo Kye. Tweyongera ne tulaba ensonga lwaki Katonda yatonda ensi. Yagitonda olw'abantu beyali ategeka okutonda ku lw'ekitiibwa Kye. Nga kisa kya kitalo Katonda okutonda ekifo ekirungi eky'amatendo omuntu mwasobola okuba n'obugagga obutuufu.

Olwaleero twagala twekkaanye Ebyawandiikibwa n'okuyiga tuyige engeri Katonda gye yatondamu omuntu eyasooka. Katonda ng'atuyambye twagala era tutegeere lwaki Katonda yatonda omuntu.Mu torah, mu kitabo ky'Olubereberye, mu ssuula essoka n'olunyiriri olw'abiri mu omukaaga, n'olw'abiri mu omusanvu (Olub. 1:26-27) Ekigambo kya Katonda kigamba nti,

"*Katonda n'ayogera nti Tukole omuntu mu ngeri yaffe, mu kifaananyi; kyaffe; bafugenga eby'omu nnyanja n'ebibuuka waggulu n'ente n'ensi yonna na buli ekyewalula ku nsi.* ***Katonda n'atonda omuntu mu ngeri ye, mu ngeri ya Katonda mwe yamutondera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda.*****"**

Wano kati, tufunye amazima ag'ekitalo buli omu ge yetaaga okutegeera: **Katonda yatonda omusajja n'omukazi eyasooka mu ngeri Ye!** Kino kirowoozeeko. Katonda yakola omuntu okumufaanana! Mazima ddala omuntu ky'ekitonde ekisinga obukulu mu bitonde byonna Katonda bye yatonda. Omuntu ye yekka eyatondebwa mu kifaananyi kya Katonda.

Kati katwebuuze, Ekigambo kya Katonda kitegeeza ki bwe kigamba nti, "*Katonda n'atonda omuntu mu ngeri ye*? Mu Olubereberye 2:7 Ebyawandiikibwa bigamba nti, "*Mukama Katonda n'abumba omuntu n'enfuufu y'ensi n'amufuuwamu mu nyindo omukka ogw'obulamu; omuntu n'afuuka omukka omulamu.*" Tukikenga mu lunyiriri luno nti Katonda bwe yatonda omuntu eyasooka, Yamutonderamu ebiti bibiri: **omubiri** n'**omwoyo**. Omuntu si mubiri mwerere. Alina omubiri n'omwoyo. Katonda yatonda omuntu mu bikolwa bibiri. Damu owulirize Ebywandiikibwa kye bigamba: **ekisooka**: "*Mukama Katonda n'abumba omuntu n'enfuufu y'ensi.*" **Ekiddako:** Katonda **"***n'amufuuwamu mu nyindo omukka ogw'obulamu; omuntu n'afuuka omukka omulamu.*"

Okusinziira ku Byawandiikibwa bino tukizuula nti Katonda bwe yali atonda omuntu yasooka kubumba mubiri. Lwaki yasooka kubumba mubiri? Yasooka kubumba mubiri lwa kuba gwe gwaali gugenda okubeera ekisulo mwe yali agenda okuteeka omwoyo gw'omuntu. Okimanyi nti omubiri gwo y'ennyumba yo; "ensiisira" (oba weema) eyakaseera ggwe nnyinimu (omwoyo) mw'osula? Ekyo ebyawandiikibwa kye bisomesa bwe bigamba mu 2 Abakkolinso 5:1 nti, "*Kubanga tumanyi nti, oba ng'ennyumba yaffe ey'ensisira ey'omu nsi eryabizibwa, tulina eyazimbibwa eva eri Katonda, ennyumba etaazimbibwa na mikono, ey'emirembe n'emirembe ey'omu ggulu.*" Katonda yatonda omubiri gw'omuntu okusuzaamu omwoyo.

Katonda yakozesa ki okutonda omubiri gw'omuntu eyasooka? Ebyawandiikibwa bigamba nti Mukama yagujja **mu nfuufu ey'ensi**. Mu mulembe guno mwe tuli, tukimanyi nti enfuufu y'ensi erimu erimu ebirungo (chemicals) nga makumi abiri. Bakakenku (Scientists) batugamba nti ebirungo ebyo amakumi abiri gonna bisangibwa mu mubiri gw'omuntu Eyo y'ensonga lwaki Dawudi Nnabbi wa Katonda yagamba mu Zabbuli 103:14 nti, "*Kubanga amanyi omubiri gwaffe; ajjukira nga ffe tuli nfuufu/*" Ky'ekyo, omubiri gwakolebwa mu nfuufu naye tekitegeeza nti tegulimu kantu!Mu mubiri gw'omuntu gulimu obuntu obuyitibwa cells obuwumbi nga nsanvu kyokka bwonna bwayondebwa okukolaganira awamu awatali kukontana. **Omubiri gw'omuntu kya magero**. Mu mibiri gyaffe Katonda mweyateeka obwongo, omutima, amawuggwe, olubuto. Ekibumba, ebyenda, amagumba, ennyama, eddiba oba olususu,amaaso, amatu, ennyindo, omumwa n'ebitundu ebirala bingi ebyewuunyisa. Buli kitundu kimanyi omulimu gwakyo.Katonda yekka yasobola okutonda bw'atyo. Eyo y'ensonga lwaki Nnabbi Dawudi yayongerako mu Zabbuli 139:14 nti, "*Naakwebazanga; kubanga okukolebwa kwange kwa ntiisa, kwa kitalo: Emirimu gyo gya kitalo; N'ekyo emmeeme yange ekimanyidde ddala.*"

Ddala, omubiri gw'omuntu gwewunyisa nnyo! Naye katwebuze: gwali mubiri Katonda gwe yatondera mu ngeri oba mukifaananyi kye? Nedda! Ekyo tekisobola kuba kituufu kubanga Katonda mwoyo. Katonda teyatonda mubiri gwa muntu mu kifaananyi kye. Kale olwo Ebyawandiikibwa bitegeeza ki bwe bitugamba nti," *Katonda yatonda omuntu mu ngeri Ye*." Kitegeeza nti Katonda yatonda omwoyo gw'omuntu mu ngeri Ye.

Twamaze dda okukiraba nti Katonda yasooka kutonda mubiri gwa muntu okuva mu nfuufu y'ensi. Omubiri tegwalimu bulamu. Gwalinga omulambo. Lwaki yakulembeza okutonda omubiri nga tannaguteekamu mwoyo? Lwaki Katonda ow'amaanyi gonna, teyatonda muntu mu kikolwa kimu nga bweyakola ku bitonde ebirala byonna? Obolyawo yakikola bw'atyo okutuyigiriza nti omuntu, ku bubwe, talina buyinza ku bulamu. Omuntu tayinzatasobola kwetekamu bulamu era omuntu tasobola kutonda kintu kyonna ekirina obulamu. Katonda ye Mukama w'obulamu era mu Ye yekka mwe musangibwa obulamu. Obulamu tebuva eri muntu; kirabo kuva eri Katonda! Ebyawandiikibwa bigamba nti, "*Mukama Katonda…n'amufuuwamu mu nyindo omukka ogw'obulamu; omuntu n'afuuka omukka omulamu.*" Omubiri Katonda gwe yatonda gwafuna obulamu.Lwaki gwali mulamu? Kubanga Katonda, Mukama w'obulamu, yaguwa omwoyo. Katonda yapika obulamu mu mufu. **Obulamu obwali mu Katonda olwo ne bubeera mu muntu.** Bw'atyo omuntu nafuuka ekintu ekiramu.

Kale kiki ekyo Katonda kye yatonda mu ngeri Ye? **Omwoyo.** Katonda yatonda omwoyo gw'omuntu mu kifaananyi kye, Wali okimanye nti waliwo ebintu (characteristics)bye ebisangibwa mu Mwoyo gwa Katonda nga bisangibwa ne mu mwoyo gw'omuntu? Nga tetunafundika ssomo lyaffe ery'olwaleero twagala tulowooze ku bintu ebyo bisatu byetufaananya ne Katonda, tusobole okweyonger okutegeera Ebyawandiikibwa kye bitegeeza bwe bigamba nti, "*Katonda yatonda omuntu mu ngeri ye.*" Ebintu ebyo Katonda bye yateeka mu mwoyo gw'omuntu bye bino:

Ekisooka: Katonda yawa omuntu emmeeme (mind or spirit) asobole **okumanya Katonda.**

Eky'okubiri: Katonda yawa omuntu omutima (emotions) asobole **okwagala Katonda.**

Eky'okusatu: Katonda yawa omuntu **okusalawo/okulonda/okwagala (will oba freedom of choice)**

Nga Katonda bwalina emmeeme, n'omutima , n'okusalawo bw'atyo yateeka mu mwoyo gw'omuntu ebintu ebyo byonsatule: emmeeme, omutima n'okusalawo. Katulabe kino kye kitegeeza.

1.) Ekisooka, Katonda yawa omuntu emmeeme esobola okumanya Katonda n'okulowooza nga Katonda bw'alowooza. Katonda yatonda omuntu n'amuwa emmeeme ey'amaanyi, kubanga yali ategeke omuntu okubeera abawamu na Ye. (Fellowship). Bwe tusoma kubulamu bwa nnabbi wa Katonda, Ibulaamu, tujja kusanga nti yayitibwanga ***mukwano gwa Katonda***. Ibulaamu ku bubwe ng'omuntu yali amanyi Katonda era ng'alina enkolagana ey'awamu ne Katonda. Naye kyokka,

Ibulaamu si yeyekka eyaweebwa omukisa ogw'okuba ow'omukwano ne Katonda. Naffe tusobola okuba "**ab'omukwano ne Katonda."** Katonda ayagala tubeere na Ye kumpi. Eyo y'ensonga lwaki yateeka emeeme mu mwoyo gw'omuntu esobola okukolagana obulungi n'omwoyo gwa Katonda.

Mpozzi tusobola okutangaaza ku kyetwogera nga tuyita mu kibuuzo. **Kiki ekyawula omuntu ku nsolo? Mmeeme.** Emmeeme n'omwoyo gw'omuntu bya njawulo nnyo okuva ku by'ensolo. Lwaki kiri nti ensolo tesobola kutegeera kigenda mu maaso mu pulogulamu eno eya ladiyo? Kubanga terina meeme nga ffe gye tulina. Mikwano gyange abatuwuliriza, lwaki musobola okutegeera ebigambo byaffe? Lwa kuba nti mulina emmeeme ezifaanana—Emmeeme ey'obuntu. Mu ngeri efaananako eyo, omwoyo gw'omuntu gwawundwa okusobola okukwatagana n'Omwoyo gwa Katonda.

Nga bwekyandibadde, mu kwogera bwetuti tetuteekwa kulowooza nti emmeeme eyaffe n'eya Katonda byenkanya amagezi n'okumanya. Nedda n'akamu. Amagezi ga Katonda gali wala era okumanya kusingira wala nnyo okw'omuntu. Kye twetaaga okutegeera kye kino nti: Katonda awadde omuntu omwoyo **ogusobola okunyumirwa enkolagana ey'amakulu ne Katonda Omulamu**. Katonda tayagala obeere ng'ensolo ezitasobola kumumanya.

2.) Katonda alina ekirala kye yateeka mu mwoyo gw'omuntu bweyamutondera mu ngeri Ye. **Omutima.** Katonda yawa omuntu omutima okumusobozesa **okwagala** Katonda. Wano tetwogera ku mutima ogusunda omusaayi, **naye ku ekyo ky'owulira mu mwoyo, ejjebe n'ebirowoozo**. Twogera ku bigendererwa by'omutima gwo. Katonda yawa omuntu eyasooka obusobozi bw'okuwulira essanyu n'ennaku Katonda bw'alina. Katonda ayinza okwagala, okukyaawa, okusanyuka, okukwatibwa ennaku, n'okuwulira obusaasizi. Kale Katonda yateeka mu mwoyo gw'omuntu, omutima ogusobola okuwulira (emotions) ebintu ng'okwagala oba obukyaayi. **Katonda ayagala tumwagale n'omutima gwaffe gwonna**. Eyo y'ensonga lwaki yatonda omuntu mu ngeri Ye, n'amuwa omutima.

3.) Waliwo ekirala Katonda kye yawa omuntu.gwe yatonda mu ngeri Ye. Mu mwoyo gw'omuntu oyo yateekamu okusalawo/okwagala. Katonda akkiriza buli muntu okwerondera ekkubo lye. Katonda ye Yennyini alina obuyinza okusalawo oba naakola ekintu oba nedda. Kale, Katonda yatonda omuntu n'eddeembe n'obuvanaanyizibwa okusalawo ku bintu ebikulu ku lulwe. Katonda yandisobodde okutonda omuntuakola obukozi Katonda ky'ayagala, nga talina ddeembe lya kwesalirawo. Kyokka Katonda yasalawo okuwa omuntu eddeembe okwelonderawo oba nga n'agondera Katonda. Katonda teyatonda muntu mu kifaananyi kya njuba, evaayo buli lunaku n'egwa nate awatali kweronderawo. Enjuba etuukiriza okwagala oba okusalawo kwa Katonda (the will of God) buli lunaku awatali kubuuza (automatically). Si bwekiri n'omuntu. **Omuntu kitonde kya njawulo**. Katonda yatutonda kumugasa Ye. Katonda ayagala tusalewo okumwagala, n'okumusinza. Katonda atadde obuvunanyiziwa obw'ekitalo ku muntu. Omuntu alina okulondawo ku lulwe oba anagoberera Katonda oba Setaani, oba anenyumiririza mu Kigambo kya Katonda oba anakivvoola. Katonda tajja kuwaliriza muntu yenna kukkiriza Kigambo Kye. Tagenda n'olumu ku tukaka tumwagale oba tumugondere. Okwagala tekuba kwagala bwekuba okw'okukaka. Katonda akkiriza buli omu ku ffe okwesalirawo ekkubo lye tunakwata. Naye, ku nkomerero, Katonda ajja kusalira omusango buli agaanye Obwakababaka Bwe. Ekyo Ebyawandiikibwa kye bigamba.

Tuli wano ku nsi ku lwa Katonda. Tetuliwo ku lwaffe oba ku lwa ssente, oba ekintu oba omuntu omulala yenna. **Katonda yatutonda tumugase; okumuwa essanyu n'ekitiibwa.** Katonda yatutonda n'obusobozi **bw'okumumanya, okumwagala n'okumugondera** emirembe n'emirembe**.** Ky'ekyo**-- emirembe n'emirembe!** Katonda ataggwaawo awadde buli omu ku ffe omwoyo ogutaggwaawo. Kwe kwagala kwe nti tube n'enkolagana ennyikidde eyewuunyisa na Ye olwaleero, enkya n'emirembe gyonna. Eno y'ensonga lwaki Katonda ya tutondera mu kifaananyi kye.

Twagala tubalekere olunyiriri luno olw'Ebyawandiikibwa Ebitukuvu olutujjukiza ekigendererwa kya Katonda ku lw'omuntu. Mu Makko 12:29,30 tusoma nti, "*…Mukama Katonda waffe, Mukama ye omu era yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna, n'amaanyi go gonna.*"

Mwebale kuwuliriza. Katonda bwanaaba ayagadde mu pulogulamu yaffe ejja tujja kuyiga ebikwata ku bantu abasooka, Adamu ne Kaawa.

Katonda abawe emikisa ababikkulire amakulu n'obukulu bw'etteka erisinga amalala gonna agali googeddwa:

"*Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna, n'amaanyi go gonna.*" (Makko 12:30)